# »Engeri N‘ensonga okulaawa enyana«

Okulaawa y‘engeri eyitibwamu okugyako ensigo ku nte enume.

Ente endaawe eyitibwa ndaawo (steer) era nga kyagalibwa nnyo okulaawa nga obulume buto ku naku 90 kubanga enume ezikuzze zirina emikisa mingi egyokufuna obuzibu okugeza okuyiika omusaayi omngi nga zirayiddwa. Endaawo teziba nkambwe nnyo, enyama yazo egonda era ewooma , tezikuwa mbuto zotetegekedde era zireeta sente nyingi nga ozitunze.

## Emitendera gy‘okulaawa

Okulaawa okutalina bulabe, wetaaga akambe akasala ennyo, emasculator, chlorhexidine oba ebintu 70 ku 100 eby‘omwenge wamu neddagala ly‘ebiwundu.

Akakodyo akasooka kakozesa kambe koka. Akayana okusiba era nokakasa nti ensigo zombi ziri wansi. Kozesa akambe akasala obulungi okusalako ku ntiko y‘ekiriba ekiterka ensigo, sika ensigo emu efulume nga ozza wansi nga bwosindika ekiriba waggulu paka nga oluguwa olwa sperm lulabise. Kozesa akambe akasala osale oluguwa omuyita sperm kumpi nekisawo omubeera ensigo. Kolokotako amasavu golabako gona ogasigalidde wabweru era ofuyire ekiwundu nga okozesa eddagala lyokumansira.

Wetegereze akayana okumala eddakika 15 nga omaze okulaawa obutavaamu musaayi guyitiridde era nokumala enaku 1 ku 3 nga wakamala okulaawa olabe obuzimbu ob uyitiridde oba obuzibu obulala bwona.

## Okukozesa emasculator

Kino kyakolebwa okusala emisuwa omuyita amazzi agazaala (sperm) era nokukendeeza omusaayi okuyiika. The calf is restrained as beAkayana kasibibwa nga mukusooka olwo ku ntiko

y‘ekisawo ky‘ensigo nekisalibwako nga okozesa akambe akasala. Nosika ensigo okufuluma nga ozza wansi nga bwosindika ekiriba waggulu paka nga emisuwa omuyita sperm egirabye. Olwo notekako ekyuma (emasculator) ku musuwa nonyiga okusala omusuwa. Kino kyokoze okiddamu neku nsigo endala era nokolokotako amasavu gona olwo nofuyira ekiwundu nga okozesa eedagala erifuyira.